## Baibuli ky’egamba ku kubela mu butukuvu na buli muntu wamu ne Katonda

Omusomo gwa Baibuli guno gukuyamba okwekenenya kiki Baibuli ky’esomesa ku kubela obulungi ne muntu muno wamu ne Katonda. Osobola okukola omusomo guno ku lulwo oba n’akabiina akabantu abatono. Twala ekisera wekenenye ngeri ki omusomo gyegukwata ku bulamu bwo ne ku kutambula kwo okw’ omwoyo.

Ddamu ebibuzo bino wamanga. Ojja kusanga okudibwamu mu Baibuli mu nyilili z’enjile eziweredwa. Okutegela ebisingako, soma enyingo n’enyilili eziweredwa mu njili.

1. Nonno ki enkulu mu njili ya Yesu Kristo? (Lukka 24:47; Ebikolwa by’Abatume 26:18)

2. Kiki kye tulina okukola okufuna okusonyiyibwa? (Zabbuli 32:1-5; 1 Yokaana 1:8-10)

3. Migaso ki egili mu kusonyiyibwa? (Abaruumi 6:23; Yakobo 5:16; Ebikolwa by’Abatume 3:19-20)

4. Lwaki tusonyiwa omuntu atukoze obubi? (Matayo 6:12, 14-15, 18:22-35; Abaebbulaniya 12:14-15)

5. Endowoza yo erina kubela etya eri mukwano gwo/omwami wo/mukyala wo ayongera okusobya? (Matayo 18:22-22; Abakkolosaayi 3:13)

6. Okwenenya kye ki? (Lukka 3:8; Ebikolwa by’Abatume 26:20; Engero 28:13)

7. Omuntu akyusa atya eneyisa ze? (Abaruumi 7:25 (18-25); Abaebubulaniya 12:24)

**Ekibuzo eky’okutesako mu kabina k’abantu abatono:**

8. Osaba otya mukwano gwo/omwami wo/mukyala wo okusonyiwa ku lw’ekintu kyewakola ekyabaluma oba ekya bamalamu amanyi?

**Okwefumitiliza mu kasilikililo:**

9. Osaba otya Katonda okukusonyiwa olw’ensobi gyewakola ekyamuluma oba ekya Mumalamu amanyi?

**OKWANUKULA ERI: Baibuli ky'egamba ku kubela mu butukuvu na buli muntu wamu ne Katonda**

1. Nonno ki enkulu mu njili ya Yesu Kristo? (Lukka 24:47; Ebikolwa by'Abatume 26:18)

Waliwo okusonyiyibwa kwe bibi eri abo abenenya. Okwenenya ebibi kutusembeza kumpi ne Katonda., kutuleta okuba ab'omu nyumba (family) ya Katonda (okuva mu bwakabaka obwenzikiza okuda mu bwa Kabaka obw'ekitangala).

2. Kiki kye tulina okukola okufuna okusonyiyibwa? (Zabbuli 32:1-5; 1 Yokaana 1:8-10)

Bela wa mazima! Nenenyeze Katonda olw'ebibi/ne olw'obutali butukirivu bwange era Musaba okunsonyiwa.

Nfumitiliza ebintu ebikoledwa ku nze (omubiri , omwoyo, endowoza) eri abalala, eri Katonda, n'ebibi byonna ebigatibwa ku kibi (gamba nga obulimba, obukumpanya n'ebirala).

3. Migaso ki egili mu kusonyiyibwa? (Abaruumi 6:23; Yakobo 5:16; Ebikolwa by'Abatume 3:19-20)

Obulamu obutagwawo. Okuwonyezebwa. Katonda okudamu esaala zaffe. Ebiseera eby'okwezza obugya.

4. Lwaki tusonyiwa omuntu atukoze obubi? (Matayo 6:12, 14-15, 18:22-35; Abaebbulaniya 12:14-15)

Katonda Ajja kutusonyiwa (OKUJAKO NGA) tusonyiwa abalala. Tujja kubulwako emirembe bwetutasonyiwa. Omulandila gw'obukawu mu ffe kuja kwonona abalala.

5. Endowoza yo erina kubela etya eri mukwano gwo/omwami wo/mukyala wo ayongera okusobya? (Matayo 18:22-22; Abakkolosaayi 3:13)

Okwongela okusonyiwa, okugumikiliza ensobi za banaffe. Okuyamba abalala mu bwetowaze.

6. Okwenenya kye ki? (Lukka 3:8; Ebikolwa by'Abatume 26:20; Engero 28:13)

Kuba kusalawo OKUKYUKA okuva mu kibi/obuntu n'okukyuka ERI Katonda. Okwenenya kwe kusalawo okukyuka. Kusalawo okuli eri buli kin'omu.

7. Omuntu akyusa atya eneyisa ze? (Abaruumi 7:25 (18-25); Abaebubulaniya 12:24)

Yesu Kristo Yekka yasobola okutukyusa. Ye Yekka Asobola okutukyusa bwetumusaba.

8. Osaba otya mukwano gwo/mwami/mukyala wo okusonyiwa olw'ekintu kyewakola ekyamunakuwaza oba ekya mumalamu amanyi?

Mu mazima ne mu bwetowaze tukilize ensobi n'obulumi bwetwaleta. Obutawoleleza bikolwa. Okusaba omuntu omulala okutusonyiwa mu bwesimbu. Okugezako okusasula/okuza obugya – okusanyukila okugezako okuza obugya enkolagana eno singa bakiliziganya.

9. Osaba otya Katonda okukusonyiwa olw'ensobi gyewakola ekyamuluma oba ekya Mumalamu amanyi?

Nga ne namba 8 wagulu, Mu mazima n'obuwombefu tukilize ebibi byaffe byetukoze n'obulumi bwetulese eri Katonda n'eri abalala. Tusabe Katonda Okutusonyiwa ebibi byaffe mu bwetowaze. Katonda Amanyi emitima gyaffe.